| Essomo 5 | الدرس الخامس |
|---|---|

# Amakulu g'ekigambo kya Tawuhiid ekyokwawula Allah ekya lallah illa iLah.

Ekigambo ekyo ekyokwawula Katonda gwemusingi gwe ddiini yobusiraamu era y'empagi esooka mumpagi z'Obusiraamu era ekitundu ekisinga obunene mubitundu byokukkiriza era n'okukkirizibwa kwemilimo gy'omuddu kuyimiridde kukukyatula n'okumanya amakulu gakyo n'okukikolerako. Songa okumanya amakulu gakyo n'okolera kukyo byebino;
**1.** Go amakulu gakyo ago omuntu gatateekwa kugatamwa tamwa mu mu kugategeera! Kwe kukkiriza nti (tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah). Okukkiriza okwo okukaka omuntu okusinza Allah mubwomu bwe n'okuleka okusinza ataliyye. Era nensobi ennene ennyo ekolebwa abamu ku bantu kwekukiwa amakulu agagamba nti (tewali yatonda okujjako Allah) wadde nga kini kituufu yeytonda Allah naye sigemakulu g'ekigambo kya la ilah illa llah oba abalala abagamba nti tewali asobola kutonda okujjako Allah. Gano nago mafu, sigegaakyo.

**Ekigambo kino kiyina empagi bbiri;**
**1. Okujjawo**
N'okujjawo kuno kulabikira mu kugaba nti tewali asinzibwa mu mazima
**2.** Ey'okubiri kwe kunyweza
Amakulu bwamala okujjawo okusinzibwa kwekintu ekirala kyonna nga kizinsibwa mu mazima bwotyo nonweza n'ekiyitibwa nti illa llah amakulu nti asinzibwa mu mazima yekka ye Allah tekigwanira kukyusa ibaada y'ono nekolebwa omulala yenna atali Allah. Omuntu ayogera ekigambmo kino nga ategeera amakulu gakyo era nga akikolerako n'aleka shiriki nakakasa obw'omu bwa Allah n'okukkiriza okunwevu byekirina okukolebwamu ekigambo kino nakikolerako oyo abeera Musiraamu owanamaddala!
Ate n'oyo akola ekyenyuma kyakyo nakola shiriki oyo abeera omusiraamu omukafiiri amakulu omujeemu kabeele nga akyogera nakiyisa ku lulimilwe.

**Ebirungi byekigambo kino:**
Ekigambo kino ekya la illah illa llah kirina ebirungi n'ebyengera ebikivaamu bingi nga ne mubyo;
**1.** Ekigambi kino kifuuka ensonga egaana omuntu okubeera mu muliro emirembe n'emirembe eri abo abaliba balina oguyingira mu bantu abaalina Tawuhiid, amakulu nti wadde baliba bakakaseeko okuyingira omuliro olwagamu ku mazambi gabwe naye olwokuba baalina Tawuhiid tebagenda kubigeelamu mirembe na mirembe.
Nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim egamba nti;
Agamba Omubaka SAW nti bagenda kujja mu muliro oyo yenna eyalina ekigero ekyenkana……..mu murima gwe amakulu mubukkiriza. Era bajje mu muliro omuntu eyalilna mu mutima gwe ekigero kyobukkiriza ekyenkana……..era bajje mu muliro eyalina ekigero kyabakikkiriza mu mutima gwe ekyali kyenkana……….
**2.** Nekulwensonga yekigambo ekyo yatondebwa omuntu namajinni. Era nga Allah bwagamba mu Surutu Zariyaat aya 56
(Agamba Allah inti satonda bantu na Majinni okujjako lwa kunsinza)
**3.** Era kulwekigambo kino baatumwa ababaka era nebissibwa ebitabo.
Agamba Allah mu Suratu Anibiya Aya 25 nti;
Agamba era tetwatuma olubeleberye lwo (Nabbi Muhammadi SAW) mu babaka yenna okujjako twassa obubaka gyali nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako nze (Katonda wammwe omu) kale munsinze nzekka.
**4.** Era ekigambo kino kyekisumuluzo kya da-awa yababaka. Ba nabbi bonna kyekyali ekigambo kyebaguzangawo da-awa yabwe nga buli mubaka agamba abantu be nti abange abantu bange mukkirize nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah mugende kwesiima, era tewali musinzibwa mulala okujjako yye. Nga bwagamba Allah mu Suratu Aarafu aya 59 "
" nti abange bantu bange musinze Katonda yekka temulinayo musinzibwa mulala asinzibwa mu mazima atali yye.